Katonda n'agamba Adamu nti: "Onoolyanga buli ky'oyagala ku biri mu nnimiro. Naye omuti oguleeta okumanya ekirungi n'ekibi tugulyangako. Bw'olirya ku muti ogwo, mazima tolirema kufa."

19

Mukama Katonda era n'agamba nti: "Si kirungi omuntu okubeera yekka. Nja kumutonderayo omubeezi." Ensolo zonna n'ebinyonyi Katonda n'abireeta eri Adamu. Adamu byonna n'abiwa amannya.

20

Ateekwa okuba nga yali mugezi nnyo okukola ekyo. Naye mu binyonyi ne mu bisolo byonna Adamu n'atazuulamu mubeezi amusaanira.

21

Awo Katonda ne yeebasa Adamu otulo otungi, n'amuggyamu olubiriizi lumu, n'alutondamu omukazi, omukazi nga ye muyambi asaanira Adamu.

22

Katonda yatonda byonna mu nnaku mukaaga. Olwo Katonda n'awa omukisa olunaku olw'omusanvu n'alufula lunaku lwa kuwummula. Mu nnimiro y'e Edeni Adamu ne Eva mukazi we baalina essanyu erijjuvu nga bawulize eri Katonda.

23

Katonda bwe yatonda buli kintu

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Entandikwa 1-2

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

Katonda amanyi nga twakola ebintu ebibi by'ayita EKIBI. Ekibonerezo ky'ekibi, kufa.

Katonda atwagala nnyo, kyeyava atuma Omwana we Yesu okufiira ku musaalaba akole ekibonerezo ekyandibadde ekyaffe. **Yesu yaddawo okuba omulamu**, n'addayo mu Ggulu. Kaakano Katonda ayinza okusonyiwa ebibi byafffe.

Bw'oba ng'oyagala okuva mu bibi byo, gamba Katonda nti: "Katonda Omwagalwa, nzikiriza nga Yesu yanfiirira era nga kaakano yaddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya kaakano, olwo ndyoke mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omulamu ku lulwo nga omwana wo. Amiina. Yowanne 3:16

Somanga Bayibuli onyumyenga ne Katonda buli lunaku.

Oluganda Luganda

Katonda bwe yatonda buli kintu





Yawandiikiddwa Edward Hughes
Ebifaananyi bya Byron Unger; Lazarus

Yavvuunulwa Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira
Yakozesebwa Bob Davies; Tammy S.

Ekinyumizibwa 1 ku 60

M1914.org

Bible for Children, PO Box 3, Winnipeg MB R3C 2G1 Canada

Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya bino, Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.

Ffe ani yatutonda? Bayibuli, Ekigambo kya Katonda, etubuulira abantu nga bwe baatandika okubaawo.



1

Edda, Katonda yatonda omuntu eyasooka okubaawo, n'amutuuma Adamu ng'amuggya mu nfuufu ey'ettaka. Katonda bwe yassa obulamu mu Adamu, Adamu n'aba omulamu, ne yeesanga ng'ali mu nnimiro eyayitwa Edeni.



2

Katonda nga tannatonda Adamu, yatonda ensi ennungi ejjuddemu ebintu ebyewuunyisa. Yagenda atonda kimu ku kimu.



3

Yatonda ebifo ebigulumivu n'emiseetwe, ebimuli ebiwunya obulungi, n'emiti emiwanvu, ebinyonyi ebya langi ezitemagana, enjuki ezeetawula, agasolo agawuluguma n'amakovu agaseerera. Mu butuufu, Katonda yatonda buli kimu ekiriwo.



4

Olubereberye nga Katonda tannabaako ky'atonda, tewaali kantu na kamu. Katonda ye yaliwo yekka. Tewaali bantu oba ebifo oba ebintu. Tewaali kantu na kamu. Tewaali kitangaala era tewaali nzikiza. Tewaali waggulu na wansi. Tewaali lunaku lwa jjo, tewaali lunaku lwa nkya. Katonda yekka ye yaliwo, ataliiko kusooka. Olwo Katonda n'abaako by'akola.



5

Ku ntandikwa, Katonda yatonda eggulu n'ensi.



6

Ensi yali yeetabuddetabudde era nga njereere. N'ekizikiza kyali kibisse ku guyanja.



7

Olwo Katonda n'agamba nti wabeewo ekitangaala.



8

Ekitangaala ne kibaawo. Katonda ekitangaala n'akiyita Emisana ate ekizikiza n'akiyita Ekiro. Ne buziba ne bukya. Olwo lwe lwali olunaku olubereberye.



9

Ku lunaku olwokubiri Katonda n'atereeza amazzi mu gayanja, ne mu nnyanja era ne mu buyanja wansi w'Eggulu. Ku lunaku olwokusatu Katonda n'agamba nti "Olukalu lulabike." Olukalu ne lulabika.



10

Katonda era n'alagira omuddo n'ebimuli n'ebisaka era n'emiti okulabika. Ne birabika. Ne buziba ne bukya. Olwo lwe lunaku olwokusatu.



11

Olwo Katonda n'atonda enjuba n'omwezi n'emmunyeenye nnyingi nnyo omuntu z'atasobola kubala. Ne buziba ne bukya. Olwo lwe lunaku olwokuna.

12

Katonda n'azzaako okutonda ebiramu eby'omu mazzi n'ebyennyanja, n'ebinyonyi. Ku lunaku olwokutaano yatonda agennyanja aganene n'obwennyanja obutono, ne mmaaya ey'amagulu amawanvu, n'obunyonyi obutono obuyimba amaloboozi.



13

Katonda yatonda buli kika kya byannyanja ne bijjula mu mazzi agali ku nsi. Era n'atonda buli kika kya binyonyi okunyumirwa ensi n'ennyanja era n'ebbanga. Ne buziba ne bukya. Olwo lwe lunaku olwokutaano.



14

Ebyo bwe byaggwa, Katonda era n'ayogera. N'agamba nti: "Ensi ereete ebintu ebiramu…" Awo ebiramu ebya buli ngeri: ebisolo, n'ebiwuka, n'ebyewalula, ne bibaawo. Ne wabaawo enjovu ezitambula ne zikankanya ettaka, n'agasolo aganene ag'omu nnyanja ageetawulirako ne ku lukalu.

15

Ne wabaawo enkima ezeekongakonga, ggoonya ez'omutawaana, ebiwuka ebitambula nga byenyogontola, bukamuje obuzimbya obutama, entugga ez'obulago obuwanvu, bukkapa obukaaba bunyiiziira. Buli kisolo ekya buli ngeri kyatondebwa Katonda ku lunaku olwo. Ne buziba ne bukya. Olwo lwe lunaku olw'omukaaga.

16

Katonda yatondawo ekirala ku lunaku olwo olw'omukaaga ekintu ekyenjawulo enyo. Omuntu kati yali amaze omumutegekera buli kintu. Waliwo emmere mu nnimiro, n'ebisolo okumuweereza. Awo Katonda n'agamba nti: "Tutonde omuntu mu kifaananyi kyaffe. Afugenga buli kintu ekiri ku nsi."



17

AWO KATONDA N'ATONDA OMUNTU MU KIFAANANYI KYA KATONDA KYENNYINI; MU KIFAANANYI KYA KATONDA MWE YAMUTONDERA …

18